ISMAIL MULANGWA



Aba St Mary's Kitende nga basitudde ekikopo.

# ESSANYU N'AMAZIGA

## Kitende etutte ekya CECAFA Vipers ne baginyigira e Yumbe



Kapiteeni wa Vipers Milton Karisa .

Bya MUSASI WAFFE

Calvary 0-0 Vipers

**Mu gy'amasomero ga CECAFA**
Kitende (3) 0-0 (1) Ethiopia

**Leero mu liigi ya babinywera**
BUHIMBA - UPDF, 10:00
Lugazi - Police, 10:00

NNANNYINI Vipers ne St Mary's Kitende, Dr. Lawrence Mulindwa eggulo yasubiddwa essanyu lya nnabansansaana, ttiimu emu (St Mary's Kitende) bwe yawangudde ekikopo kya CECAFA ate Vipers n'eremagana ne Calvary (0-0) mu liigi n'eremwa okulinnya ku ntikko.

Kitende yakubye ttiimu ya Ethiopia (3-1) eza peneti oluvannyuma lw'eddakiika 90 okuggwaako 0-0. Baabadde mu gisunsula abanaakiikirira ekitundu kya CECAFA mu Afrika (CECAFA qualifiers of the CAF African Schools Football Championship).

Baafunye doola 100,000 (eza Uganda obukadde 370). Kati Uganda, Tanzania ne Ethiopia ze zigenda okukiikirira CECAFA.

Omupiira guno gwe gwasooseewo e Kitende era bwe gwawedde ne balindirira ebiri mu disitulikiti y'e Yumbe awaabadde ensiitaano ya Vipers ne Calvary. Vipers yaguyingidde terina Allan Okello, Rogers Torach ne Hilary Mukundane abali ne Cranes e Morocco eyetegekera empaka za Afrika ezitandika nga December 21.

Vipers yabadde yeetaaga kuguwangula eweze obubonero 20 eggye KCCA ku ntikko olw'enkizo gy'egirinako (KCCA) okugikuba lwe baasisinkana e Kitende.

Gano gaabadde maliri gaakubiri eri Calvary mu liigi yonna ng'agasooka yagafuna ku Maroons era bwe bubonero obubiri bwokka bw'erina mu mipiira 9 era y'ekoobedde ku bubonero 2.

REAL ERINZ